# Emikolo gy'okukuza emyaka 40 egya NRM giri Kololo

Bya MUSASI WA BUKEDDE

LEERO ku Mmande nga Janu-ary 26, lwe giweze emyaka 40 kasookedde gavumenti ya NRM ejja mu buyinza era emikolo egy'okujaguza obuwanguzi buno gitegekeddwa mu kisaawe e Kololo.

Pulezidenti Museveni ye mugenyi omukulu ku mikolo gino okuli n'okugaba emidaali 33 eri abo abaakola ennyo mu lutalo lw'okununula eggwanga n'okuleetawo omusingi gw'enkulaakulana oguliwo.

Minisita akola ku nsonga za pulezidenti, Milly Babalanda yalangiridde nti, emikolo gitegekeddwa wansi w'omulamwa ogugamba nti, "Okusiima bamwoyo gwa ggwanga abeewaayo okuleetawo enkyukakyuka eya namaddala".

Yalaze nti, olunaku luno lujjidde mu kiseera nga pulezidenti Museveni eyakulemberamu olutalo mu 1980 olwavaamu enkulaakulana eriwo kati, Bannayuganda baakamala okumwogera ekisanja ekirala akulembere Uganda okutuuka 2031.

Babalanda yagambye nti, Gen. Museveni nga ye Ssentebe w'ekibina kya NRM ekyeyubula okuva mu ggye lya NRA lye yali aduumira nga kati akyali omugole, y'agenda okuba omugenyi omukulu ng'awerekeddwaako abagenyi ab'enjawulo okuva mu ggwanga lyonna n'ebweru waalyo.

Olunaku lugenda kuba lwa njawulo n'okubuutikirwa ebikujjuko okuli okukumba n'okuyisa ebivvulu by'amagye ga UPDF, abaserikale ba poliisi, ab'amakomera, ekitongole ekikuuma ebisolo mu nsiko ssaako okwolesa ebyobuwangwa, ennyimba n'okusanyuka ebiraga eggwanga gye livudde, we liri ne gye ligenda.

Ku kugaba emidaali, Babalanda yannyonnyodde nti, abantu 33 abakoleredde ennyo eggwanga okuva mu 1986, baalondeddwa oluvannyuma lw'okubeetegereza nti, bakoleredde nnyo enkulaakulana y'eggwanga okuva mu biseera by'olutalo okutuuka kati.

Yategeezezza obuwanguzi bwa pulezidenti Museveni n'okumulayiza nga pulezidenti ow'omwenda mu bapulezidenti abaali bazze bakyukakyuka awatali mirembe gyaliwo, kwakomya entalo n'obusambattuko mu Uganda ne buleetawo emirembe n'ekiseera kino egiriwo egiyambye abantu okukulaakulana.

### EBIKOLEDDWA

Minisita Babalanda yalaze ebimu ku bituukiddwaako mu myaka 40 kasookedde pulezidenti Museveni alayizibwa ku bwapulezidenti bwa ggwanga.

**EBYOKWERINDA :** Yagambye nti, eggwanga lirimu emirembe



Minisita Milly Babalanda.

okuva ku nsalo okutuuka ku nsalo wadde ate ezimu ku nsi eziitwetoolodde zirimu entalo. Yagambye nti, emirembe egiriwo gisobozesezza abantu okukola ne bagaggawala n'eggwanga ne lisituka mu byenfuna.

**AMASANNYALAZE :** Yalaze nti, eggwanga lyagaziya ebintu ebivaamu emisolo ate ne lyongera ku bungi bw'amasannyalaze. Nti mu 1986, eggwanga lyali liyimiridde ku Kiyira yokka nga we wava amasannyalaze, naye kati ebifo ebikola amasannyalaze bingi era kino kivuddeko amakolero okusaasaanira eggwanga lyonna n'enkulaakulana n'ebuna ebitundu eby'enjawulo.

**EBYOBULAMU N'ENJIGIRIZA :** Yagambye nti, Gavumenti esobodde okuzimba amalwaliro n'amasomero g'ebyenjigiriza bw'otunuulira ebyaliwo ekiseera ekyo. Yalaze nti, eddwaaliro lya kookolo n'omutima ebiriwo bikyusizza kinene mu bulamu bw'abantu. Ebyenjigiriza birina omusingi omugumu nti, ekiseera kino ebyensoma ebigenda bikyusibwa okudda ku nsomesa y'ebyemikono nabyo byongedde okuyamba abayizi okumalawo ebbula ly'emirimu.

**AMAZZI AMALUNGI , ENGUUDO, EGGAALI Y'OMUKKA N'ENTAMBULA Y'ENNYONYI :** Babalanda yalaze nti, ebitundu bingi gavumenti egezezzaako okubituusaamu amazzi amalungi, ate enguudo eyongedde okuzikola naddala ennene eziyita mu masoso g'ebyalo ne zituukira ddala ku nsalo y'eggwanga n'amawanga amalala.

Enteekateeka y'eggaali y'omukka ey'omulembe egenda okwongera okuyamba abasuubuzi nayo egenda mu maaso. Entambula y'ennyonyi nayo yagonda nga buli kiseera abasuubuzi n'abalambuzi batuuka mu ggwanga n'okulifuluma nga bakozesa nnyonyi.

**ENKOZESA YA KOMPYUTA:** Babalanda yagambye nti, Gavumenti erina bingi nnyo by'ekyusizza mu kuleetawo amagezi ag'ekikuggu mu ICT ate eyagala okuzimba enkozesa y'amagezi ag'ekikugu ne kompyuta okulaba ng'eggwanga livuganya n'amawanga agaakula edda.

Ku bisoomoozezza eggwanga naddala obuli bw'enguzi, Babalanda yagambye nti, gavumenti esobodde okuteekawo ebitongole nga ekya Kaliisoliiso wa Gavumenti ne kkooti okulwanyisa abeenyigira mu bikolwa ebyo n'awakanya abagamba nti, obubbi bwa ssente bulemye Gavumenti okubukomya.

Yawadde essuubi ku banna NRM abaagudde mu kalulu n'ategeeza nti, Gavumenti egenda kubakkiriza okuddamu okukola obuweereza mu bifo eby'enjawulo.

Omuwandiisi omukulu, Tony Mulambe yatangaazizza ku nnonda n'engaba y'emidaali eri abagenda okugifuna n'agamba nti, akakiiko kakoze okunoonyereza n'okwebuuza ku bantu abaalondeddwa okugifuna n'ategeeza nti, okusalawo okugibawa kwakoleddwa nga ddala alondeddwa atuukiridde okugifuna.

Oluvannyuma Babalanda yakulisizza bonna abaawangudde mu kulonda okwabaddewo n'abakubiriza nti, buli omu akolerere okunyweza ebituukiddwaako mu myaka 40 egya NRM n'ategeeza nti, eggwanga litambulira ku kwegatta n'enkolagana ennungi eri buli muntu ku lw'enkulaakulana eya nnamaddala.